## 16th June 2024

## Preacher: Ord. Deborah Navubya Kibuuka

1 Peter 5:5_11

1 Peter 5:5-11 Bwe mutyo, abavubuka, mugonderenga abakadde. Era mwenna mwesibenga obuwombeefu, okuweerezagananga mwekka na mwekka: kubanga Katonda aziyiza ab'amalala, naye abawombeefu abawa ekisa. Kale mwewombeekenga wansi w'omukono ogw'amaanyi ogwa Katonda, ayoke abagulumize ng'obudde buuuse; nga mumusindiikiririzaiga ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateeka ku nwoyo ebigambo byammwe. Kale mbuulirira abakadde abal mu mmwe nze mukadde munnammwe era omutegeeza w'ebibonoobono bya Kristo, era agabanira awamu ekitiibwa ekigenda okubikkulibwa: oyo mumuziyizenga nga muli banywevu mu kukkiriza kwammwe, nga mumanyi ng'ebibonoobono ebyo bituukirira eri baganda bammwe abali mu nsi. Era Katonda ow'ekisa kyonna, eyabayitira ekitiibwa kye ekitaggwaawo mu Kristo, bwe mulimala okubonyaabonyezebwako akaseera akatono, ye yennyini alibatuukiriza, libanyweza, alibawa amaanyi. Oyo aweebwenga obuyinza emiembe n'emirembe. Amiina.

Omulamwa: Katonda kyekyokuddamu kyaffe

Key points

Byetuyitamu ebisomooza bisanyusa Setaani era weesanga nga anyumirwa ate nateekateeka okulaba nti tubiyitamu. Kale muneeyisa yaffe kyangu okuba nga naffe tulinga ye bwetwagaliza banaffe okubonaabona. Setani ebitunyiga ye watandikira omulimu gwe.

Buli lwetutaba na mirembe, sanyu, suubi aba musanyufu era twatwagaliza kugenda mu maaso.

1 Peter 5:7 nga mumusindiikiririzanga ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateeka ku mwoyo ebigambo byammwe.

Nga bikutabuuseko, bakukyaaye, waliwo ebikukaabya, ebituute essanyu ne mirembe bisindikiririzeenga ku ye, Katonda kubanga ateeka ebigambo byaffe ku mwoyo. Sooka otegeeze Katonda nga tonategeezaako muntu yenna. He is our answer. Atwagaliza ssanyu era abeerawo bulijjo mu byonna. Nga osobeddwa ogenda wa???

Isaiah 41:21 Muleete ensonga yammwe, bw'ayogera Mukama; mwolese ensonga zammwe ez'amaanyi, bw'ayogera Kabaka wa Yakobo.

Tubeera mumbeera ezitusomooza nga Setaani ali awo yetegeka okutukwakula okututwala ewuwe.

Don't talk to anybody before God kubanga bankwe (hypocrites). Just mwesige bwesizi alyoke akole mugwe ebyekitalo.

Isaiah 41:10 totya, kubanga nze ndi wamu naawe; tokeŋŋentererwa, kubanga nze Katonda wo: naakuwanga amaanyi; weewaawo, naakuyambanga; weewaawo, naakuwaniriranga n'omukono ogwa ddyo ogw'obutuukirivu bwange.

Totya kubanga Katonda ali naawe, kaboogere, bakongyere, God's with you. Oyo ye Katonda atwagala, atufaako atusitulirako ate atuwanguza. Azaamu amaanyi. Katonda atwagala era atukwata ku mukono ogwa ddyo natutwaala gyayagala.

Psalms 23:4 Era newakubadde nga ntambulira mu kiwonvu eky'ekisukirize eky'olumbe, Siritya kabi konna; kubanga ggwe oli nange: Oluga lwo n'omuggo gwo bye binsanyusa.

Leka batugeye mu bulungi nga tusitula ekitiibwa kya Katonda. Waliwo abagya mu bulamu bwaffe betusuubira nti baze kutuyamba naye nga ebigendererwa birala. Setani akozesa emikisa egyo to get us hooked and the results usually lead us into death.

Awali amagezi ga Katonda, towa Setaani baanga era weewale ebigya mu bulamu nga birabika nga ebirungi kubanga biwunzika bikugye ku Katonda. The grace of God, etutaasa okwonoona ate n'okuva ku ye alina obulamu ate nyini bwo.

Kyangu okugabana ne bolowooza nti bebanakuyamba, naye nga bebalina ensonga ezokukutuusaako obulabe. Katonda bwaba naawe, akutaasa empologoma eziwuluguuma nga zaagala okutta abaana ba Katonda.

Psalms 55:22 Gussenga omugugu gwo ku Mukama, naye anaakuwaniriranga: Taaganyenga abatuukirivu okujjulukuka ennaku zonna.

Asobola Yesu asobola era ayinza byonna. Tewali kiyinza kumulema. Teekanga omugugu gwo ku Mukama kubanga ye taganyenga abatuukirivu be okulemwa oba okutaagulwataguulwa. Kyangu okuba nga byoyitamu bikuziba amaaso neweerabira ekitiibwa Katonda kyakuwadde. Tokkiriza Setaani okukukozesa rather tegeeza Mukama kubanga yateeka ebigambo byaffe ku mwoyo. Tuddukirewa??

Psalms 46:1-2 Katonda kye kiddukiro n'amaanyigaffe, Omubeezi ddala atabula mu kulaba ennaku. Kyetunaavanga tulema okutya, ensi ne bw'eneekyukanga, N'ensozi ne bwe zinaasigukanga mu buziba obw'ennyanja;

Psalms 121:1 Naayimusa amaaso gange eri ensozi: Okubeerwa kwange kuliva wa?

Matthew 11:28 Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa nange nnaabawummuza.

Mu Yesu mwemuli emirembe essanyu, essuubi okuddibwamu ate atuwewulako emigugu